**27th September 2015.**

# ESSAALA YA MUKAMA WAFFE YESU KRISTO. I.

**Yokaana 17.**

Mu Matayo 6:9 -13 awamu ne Lukka 11:2 – 4, wali essaala Yesu Kristo gye yasomesezaamu abayigirizwa be okusaba, kyokka ate n'eyitwa "essaala ya Mukama waffe", kye ssirowooza kuba kituufu kubanga nga bwe gwaali yali yaffe ng'abayigirizwa be okuyigirako okusaba.
Era mu byawandiikibwa by'enjiri zonna kyamanyika bulungi nti Yesu yasabanga nnyo Katonda Kitaffe, era ezimu kussaala ezo mu bimpimpi ne ziwandiikibwa, naye mu ssuula yaffe eno ey'e17 Omutume Yokaana yaluŋŋamizibwa ottuwa obulambukufu bw'essaala ya Mukama waffe mu kiro ekyakomekkereza obuweereza bwe mu bbo, mu ngeri ekakasa obuweereza bwe bw'okwegayirira ababe olubeerera nga Abaebbulaniya 7:25 bwe lugamba nti "Era kyava ayinza okulokolera ddala abajja eri Katonda ku bubwe, kubanga abeera mulamu ennaku zonna okubawolerezanga."
Mu kino tulaba obukulu bw'obweetaavu bw'okusaba nti wadde Yesu yali amaze okukalaatirira abayigirizwa amazima gonna ge baali beetaaga okuba abagumu mu kaseera ke baalimu, era n'okuba abeetegefu olw'ebinaabaawo gyebujja, nga kw'otadde n'okubawa ebisuubizo ebiyitirivu ng'eky'okubateekerateekera ebifo eyo gyagenda, awamu n'okubajjuza okubeerawo kwe mu Mwooyo Omutukuvu, n'okuba nti kibagwaanidde okuba abagumu kubanga awangudde ensi kulwaabwe, byonna byaali byakutuukirizibwa kuddibwaamu kwa kusaba kwe eri Kitaffe.

Era tulabye ssi ku bulamu bwe bwokka okuba obusabi ekyasikiriza abayigirizwa okumusaba abayigirize okusaba, naye nti ne mu kiro ekyo entakera yali agambye abayigirizwa be okusabanga; mu 14:13,14; ng'engeri gye balisobozesebwa okugulumiza Mukama, ne 15:16; ng'engeri gye balisobozesebwa okubaza ebibala, awamu ne mu 16:23,24,26, ng'engeri gye balisobozesebwa okujjuzibwa essanyu, awamu n'okwolesebwa kw'okwagala kwa Mukama gye bali.
N'olw'ekyo nga bbo, okujjako nga tuli basabi nga bwe baali mu Bik. 6:4, amazima getusomesebwa obulungi buli kaseera tegaatusobozese kugulumiza Mukama,

kubaza bibala, wadde tuleetera buwanguzi bunaatujjuza ssanyu mu kwagala kwa Mukama gye tuli.

Mbakakasa nti kye kyokka ekiweebuula obuweereza obuli ku musingi gw'ekigambo nga bwe tulina wano, - nti tetuli basabi nga bwe kitugwaanidde….

Kubanga nga bwe kyawandiikibwa, " Ssi lwa maanyi sso ssi lwa buyinza wabula Ol'w'Omwoyo Omutukuvu, bwayogera Mukama…( Zekk.4:6).

Kale nno nga tuzze ku Ssaala ya Mukama Waffe Yesu Kristo nga bwe guli omulamwa gwaffe leero, tulaba nti essaala eno yawa obufunze bw'emilamwa gy'enjiri ya Yokaana yonna kubanga ebikolo by'ayo ebikulu biri;

1. Obuwulize bwa Yesu Kristo eri Kitaawe obutuukiridde.
2. Okugulumizibwa kwa Katonda Kitaffe mu kufa n'okuzuukira kwa Yesu.
3. Okw'olesebwa kwa Katonda Kitaffe mu Yesu Kristo.
4. Okulondebwa kw'abayigirizwa okuva mu nsi.
5. Obuweereza bw'abayigirizwa eri ensi.
6. Obumu bw'abayigirizwa obusinziirira ku bumu bwa Kitaffe n'Omwana.
7. Obubeezi bw'abakkiriza mu kubeerawo kwa Kitaffe n'Omwana.

Byonna bye tujj'okulaba mu bulambukufu oluddako, naye ng'okutwaaliza awamu essaala yagabanyizibwaamu ebitundu bisatu;

1. Ekisooka, Yesu mwe yeesabira. [ nny.1 – 5]
2. Eky'okubiri, mwe yasabira abatume. [ nny.6 -19]
3. N'eky'okusatu mwe yasabira ffena abakkiriza mu Yye emirembe gyonna. [ nny.20 -26]

Leero tunaalaba ekitundu ekisooka, *[Tusome…1 – 5]*.

Kyewuunyisa nti byonna mu ssuula 15,16, n'eno mu 17, byayogerwa basituse okuva ku mmeeza naye nga tebannafuluma! [laba 14:31c ne 18:1]

Era Yesu akakasa okutuuka kw'essaawa y'okuweebwaayo kwe nga ssaddaaka y'omutango gw'ekibi ey'olubeerera….Essaawa ensi ne ggulu bye gyalindirira okuva nga tebinnabaawo…. Essaawa y'okutuukirizibwa kw'obulokole bwonna obwalindirirwa era obutunuulirwa ng'obutandisi bw'obulamu obutaggwaawo ddala, nti wadde ne kalenda zaffe zitandikwa kw'olwo, ne bwe zinaavaawo, lwo lulibaawo, essaawa omusana gyegutaayinza kwaakirako, n'ensi n'ekankana.

Ye yali essaawa y'okugulumizibwa kwa Katonda Kitaffe mu Mwana We, era nga wadde kyalabika ng'obuswaavu eri abalabi, okufa kwa Yesu kwe kwaali okuyingizibwa kwe mu kuddizibwa mu kitiibwa kye kye yali nakyo ng'ensi tennabeerawo. Ekitusobozesa okusaba.. Kitaffe ali mu ggulu erinnya lyo……..